

P360/2
LUGANDA
PAPER 2
3 hours

WAKISSHA

Uganda Advanced Certificate of Education.

LUGANDA

**OKUKYUSA, OKUWANDIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO
N'OKUFUNZA.**

Paper 2

ESSAAWA SSATU (3)

ENDAGIRIRO:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina A, B, C ne D*
- *Ebibuuzo byonna mu kitundu A, C ne D bya buvaze.*
- *Mu Kitundu B, londa nga bw'olagiddwa.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

EKITUNDU A

Ddamu 1(a) ne 1(b)

1. (a) Kyusa ekitundu kino, okizze mu Luganda. (obubonero 15)

PAY UP SCHOOL FEES, MINISTER TELLS PARENTS

By Betty Amamukirori.

Parents who at the time schools were closed had not completed payments of school fees should pay up.

Hon. Rosemary Seninde, the state minister for primary education, in an interview with the press said though no extra fees are to be charged when 1st term reopens, parents who had not cleared the school dues will have to do so.

Last week, the first Lady, who is also the minister of Education and Sports, Janet Museveni, gave the dates for reporting of the schools.

In her address to the Nation, she said Pre-Primary, Primary, Secondary schools and Primary Teachers' Colleges will open for the continuation of Term I on April 27, 2020 and close on June, 12, 2020 for a one week holiday. Second Term will close on September, 4, 2020, while third Term will run from September, 21 to December 19, 2020.

However, this new education calendar will depend on the decision by the ministry of Health with regard to the management of COVID-19,

In March 2020, government closed schools as a way of avoiding crowding which is a major way through which the Virus spreads.

In her remarks yesterday, Seninde also appealed to parents to stop the habit of sending their children to shops and food markets, noting that while grown-up, are able to protect themselves from infections, children may not be able to.

- (b) Kyusa ekitundu kino, okizze mu Lungereza. (obubonero 15)

BANNANNYINI MASOMERO BEEKOKKODDE CORONA.

Abalina amasomero g'obwa nnannyini mu Minisipaali y'e Nakawa bakaaba Iw'okunyigirizibwa kwe bayitamu okusobola okusomesa abayizi abali mu bibiina eby'akamalirizo mu kiseera kino, ekya Corona, ne basaba Gavumenti okubayambako ng'ebawa ebikozesebwa okulwanyisa obulwadde, wamu n'okulondoola ensimbi ze yabateera mu SACCO yaabwe n'abasomesa okulaba nga zibatuukako.

Okuwanjaga kuno baakukoledde mu nsisinkano gye baabaddemu n'ekitongole ekya Mother to Children Foundation bwe kyabadde kibadduukirira n'ebikozesebwa mu kusomesa abaana wamu n'okubabangula ku ngeri gye bayinza okwetangira Corona.

Bano baakuleembeddwa Abdul Sseguya nga ye nnannyini ssomero erya Bright Junior School e Mbuya ne Sharon Besigye akulira essomero erya African Child 2000 Nursery school e Kinawataka – Mbuya.

Sulaiman Imulani omukwanaana wa Mother to Children Foundation bwe yabadde akwasa abamu ku bannannyini masomero gano ebintu omwabaddde Masiki eziwerera ddala 2000 ne Saanitayiza, yabakuutidde okugoberera okuluujjamizibwa kwa Minisitule y'ebiyobulamu okulaba ng'abaana baffe tebakwatibwa kilwadde kya Ssennyiga omukambwe.

(*Kisimbuddwa my Bukedde, Iwakusatu Bitungotungo, 2020 nga kitereezedwamu katono*)

EKITUNDU B

Ddamu 2(a) oba 2(b)

2. (a) Ku mitwe egikuwereddwa, londako gumu (1), owandiike emboozzi ya bigambo nga 400. (obubonero 30)
- (i) Eka embi ekusuza ku ntujjo.
 - (ii) Ebyobufuzi bikoze kinene mu kusaanyaawo empisa ez'obuntubulamu. Ttaanya.
 - (iii) Ekibuga kkoyi!
 - (iv) Okutta enswa si mulimu mutene!

Oba

- (b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri (2), buli gumu oguwandiikeko emboozzi nga bw'olagiddwa. (buli mutwe obubonero 15)
- (i) Wandiika Alipoota ku bizibu bye mwazuula ebyabutikira eggwanga olwa Ssennyiga omukambwe eya maamira ensi yonna.
 - (ii) Nyonnyola bulungi ensonga ezaaloberanga Omuganda okwabizaawo olumbe nga baakava e magombe.
 - (iii) Ggwe muwandiisi w'ekibiina kyammwe ekya Munnomukabi, wandiika ebyali mu lukiiko lwammwe olw'atuula gye buvuddeko katono oluvannyuma lw'okufa kwa munnammwe.
 - (iv) Kitwale nti gwe muzadde wa Nankya agenda okuyingira Ssettentdeker. Wandiika by'onaayogera naye ng'omubuulirira ku nneeyisa entuufu

EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino, oluvannyuma oddemu ebibuzzo ku nkomerero yaakyo.

Nze okusooka okulaba Muteesa, gwali mwaka 1945 jajjange azaala kitange Halima Nakku Nabajja bwe yannyaingiza olubiri nga ndi muto ne mbeera omwo nenkula n'abalangira bato ba Muteesa II abasinga.

Muteesa bye namuyigako byabufuzi naddala enfuga ye ennungi ey'okussa ekitiibwa mu buli muntu. Oli ne bwe yabanga mwana muto, nga tayinza kumubuuza nga tataddeeko kya Ssebo. Ate nga tatuula ng'oyawudde amagulu okulaga ekitiibwa, ebiseera

ebisinga ng'abeera yeewumbyeko so nga ne bwe yabanga atambula ng'alaga obwetowaze mu bantu be.

Nzijukira lumu nali ntambula mu Lubiri nga ndya ekikajjo. Yampita n'ambuuza amannya ganga. Bwe namutegeeza nti nze kiryowa, yanjamba nti, "Ffe Abaganda tetulya nga tutambula".

Ku buntubulamu nga Muteesa yayitawo. Lumu nnyina lwe yalwala n'alinnya emmotoka bamutwale mu ddwaliro, yajjukira nti yali yeerabidde engatto ze mu nju. Yayita Ssaabasajja mu bwangu n'amugamba nti, "Edward, engatto zange." Omwami eyali okumpi ne Muteesa yayagala azireete, kyokka ye (Muteesa) n'amugaana n'asalawo ye kennini azitwalire nnyina. Ekyewunyisa abaaliwo, Muteesa yafukamira wansi olwo n'alyoka akwasa nnyina engatto. Kyokka guno sigwe gwali gusoose kubanga Muteesa buli lwe yakyalira nga nnyina ng'okumulamusia alina kufukamira wansi.

Ebiseera ebimu yateranga okubuuza ebibuuzo okufuna endoowoza yange ku bintu ebimu; okugeza mu 1957 yambuuza nti, "Kiryowa, Abazungu balungi?" bwe naddamu nti "Babi Ssebo". Yambuuza nti, "Lwaki?" Naddamu nti, "Baakutwala nga totusiibudde mu 1953." Amangu ago yanjamba nti, "Bw'olibaawo, olibalaba."

Muteesa yanfunyisa ettutumu ne mmanyika era nga oli tayinza kumanya nti siri mulangira kuba buli we yabeerana nga mbaawo. Olumu yakwatanga mmotoka n'anvuga ne tugenda yona gye yabanga ayagadde. Muteesa yali amanyi omukwano, kubanga olumu n'ayinza okujja mu sineema n'annoonya tusobole okutuula awamu!

Omukwano gwe yandaga bwe ngujjuukira nkaaba (akaaba). Nze okugula engoye nali nakufuma, anti buli engoye empya ezaaletebwanga Abazungu, nga bazituusiza wa Beene. Ye n'alondako ezize olwo nange n'ampeerezaako.

Yayagala nnyo abantu nabo ne bamwagala. Era ebintu bya Buganda tabiyita bibye, wabula wabula ebya Buganda. Lumu mu 1955, ng'avudde mu buwanjjanguse, Omuzungu gwe sijjukira linnya yamugamba nti "Edward, ng'olina ennyumba ennungi!" yamuddamu nti, "Eyo si nnyumba, kitebe kya Buganda ekikulu." Olwo yali amulaga Bulange.

Olw'okuba yali musaja atayagalira ddala muntu wa kyejo naddala mu baana be, nzijukira bwe yali atwala Omulangira Mutebi e bugwanjuba gye yakulira, Omumbejja Mpologoma n'amubuuza nga mpulira nti, "Taata, Iwaki Mutebi omutwala ewala bw'eti?" yamuddamu nti, "Njagala atandike okumanyiira embeera z'abantu n'okwanjanga ebizibu by'ensi nga bukyali."

Nneewuunya kubanga ebintu bingi mu Buganda wano bibaddewo naye nga Muteesa yali yabiragulako. Nga tuli ku mukolo gw'okwaniriza okwefuga kwa Uganda, yatugamba nti, "Muteekwa okunywera ennyo kubanga Abazungu abo abajja si bannaffe. Era nti singa abaafa baba ng'abakomawo ne basanga eggwanga lyaffe mu ddubi, tuyinza okuswala"

Ku mikolo egisinga, Muteesa yayitanga n'Omulangira Mutebi, ng'ayagala amanyiire okuba mu bantu olw'okuba yali amanyi nti y'agenda **okulya Nnamulondo** ng'azaanye. Lumu twali tutudde mu Lukiko mu lubiri nga waliwo abaami ab'amasaza,

n'atulaga Kabaka Mutebi mu ngeri ey'enjawulo nti, "Oyo ye muntu wammwe nze bwe ndiba nkisizza omukono".

Yayongera n'atugamba nti wano mu Buganda, Omwana bw'anaazaalibwanga mu luggya nga waamu ddala, anaasikanga nnyina ne bw'ataabenga w'ampeta.

Ebibuuzo:

- (a) Obwetowaze bwa Ssekabaka Muteesa bw'olesebwa butya mu kitundu ky'osomye? (obubonero 04)
- (b) Bintu ki ebirala eby'enjawulo omuwandiisi by'ayogera ku Muteesa? (obubonero 04)
- (c) Bikolwa ki ebiraga nga ddala Muteesa yali amanyi omukwano? (obubonero 04)
- (d) Laga ebintu Muteesa by'akola okulaga obuganda nti Mutebi ye Kabaka eyali alinze? (obubonero 04)
- (e) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye;
 - nakufuma
 - n'okwenjanga
 - ddubi
 - okulya Nnamulondo.

EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Mwanamuwala Nnakiganda yava buto nga mwana wa buggya. Yalina obuggya nga bujula kumuwunyako. Teyayagalanga kumukwatira ku kikye, era nga bw'asanga muto munne n'anywera ku kikopo kye waakiri nga Nnakiganda akyasa bona bakifiirwe. Obuggya bwa Nnakiganda bwagenda mu maaso okukula nga ne nnanyini bwo bw'akula. Eky'akabi bwe yatuuka okufumbirwa n'afuna omusajja Kimera bombi baali bazadde naye nga Nnakiganda alina omwana omu yekka nga wabuwala. Ku ono kwe yali asibidde oluwuzi era ng'amwagala ng'awava erinnyo.

Omwana wa Nnakiganda ono yali yamukazaako erinnya limu lyokka erya Mwagale olw'engeri gye ali amwaagalamu. Yamutibula n'adda ne mu kati ne yewogoma era nga takoonebwako. Eky'omukisa omuwala ono bwe yagenda mu Ssomero yali mugezi okuzaama era nga banne bona y'abanywamu akendo. Mu butuufu emisomo yagitwala bukwakku.

Ekyewunyisa nti newankubadde Nnakiganda yali tayagala mwana we yeetabe na baana ba muggya we, ye Mwagale yayagala nnyo bannyina abo mu butuufu nga tatejjana nabo. Kinokyé kyawaliriza nnyina okumala gakkiriza muwala we abeerenga ne banne, mu bannyina bano bona Mwagale yasinga kwagalana ne Bwete era ng'omukwano gubasaza mu kabu enswa nnene. Okumanya abaana bano baayagalana oluusi wayinzanga okubasanga n'ekikopo banywera ku kimu. Kino tekyalema kuteeka mitaafu mu kyenyi kya Nnakiganda ng'awulira obuggya bumutta.

Abaana bano baasoma bombi okutuuka ku kasozi k'abayivu – omuwala ng'akuguka mu kubala bitabo ate omulenzi mu byuma bikalimagezi. Ekiseera bwe kyatuuka ng'emisomo bagikubye oluku mu mutwe baasalawo bakolere wamu akabaga okwekulisa emisomo. Wano Nnakiganda obuggya we bwamulinnyira ku bwongo

Bikkula

atuuke n'okuyiiya okuggyga omwana wa munne mu bulamu ng'amulungira emmimbiri mu kyokunywa.

Obuggyga kye bubeeredde obubi bw'atuuka n'okwelabiza Nnakiganda nti abaana bano bulijjo baateranga okunywera ku kikopo kimu. Olw'okuba Nnakiganda yali amanyi nti omulenzi ono yali ayagala nnyo sooda ayitibwa 'Coke', yasalawo okusaanukula akacupa ka coke n'akassamu kanywe okawulire olwamala n'akasaanikira bulungi n'akateera ddala mu maaso ga Bwete. Eky'ennaku oba ku luuyi olulala abasinga kye bayita eky'essanyu, omuwala yasalawo awaanyise akacupa akaali akake n'akawa Bwete nga bw'amugamba nti "Leka nange leero nnywe ku coke mmanyeyi lwaki bulijjo okatenda obuwoomi".

Nnakiganda we yali yayagala awoggane agaane muwalawe okunywa naye kyali tekikyasoboka. Yagenda okwagala okuvaayo aje amugambe nti vva ku ssooa wa Bwete, ng'omuwala yanyweddeko dda emimiro egiwera!

Nnakiganda yatandikirawo okuwowoola ng'embwa nga bw'agamba nga bwe yeekutte yekka mu liiso. Kyokka bino byonna yabikolanga mu kimugunyu nga tayagala bantu kumulaba. Waayita eddakiika mbale Mwagale n'atondoka n'agwa eri yenna n'abimba ejjovu. Omukolo gwasasika abantu ne babuna emiwabo. Nga nkulabira obuggyga.

BIKOMYE WANO